

BAIBULI ETUYIGIRIZA

# EKKUBO ERITUTWALA MU GGULU

## 1. Olina okutegeera nti oli mwonoonyi,

*"Nga bwe kyawandiikibwa nti, Tewali mutuukirivu n'omu; Tewali ategeera, tewali anoonya Katonda; …Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda;"* (Abaruumi 3:10, 11, 23)

*"Kubanga fenna tufuuse ng'atali mulongoofu, n'ebikolwa byaffe byonna eby'obutuukirivu birihhanga ekyambalo ekikongedde.."* (Isaaya 64:6)

## 2. Naye olw'ebibi byo, olina okuteegera nti ky'osobola okugabana kwe kufa obulamu bwo bwonna obumalire mu geyeena emirembe gyonna.

*"Naye abati, n'abatakkiriza, n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi, n'abalogo, n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bonna, omugabo gwabwe gulibeera mu nnyanja eyaka n'omuliro n'ekibiriiti; kwe kufa okw'okubiri."* (Okubikkulirwa 21:8)

*"Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa…"* (Abaruumi 6:23)

*"Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona:"* (Abaruumi 5:12)

## 3. Naye kubanga Katonda yakwagala, yatuma Omwana we omu nakufiirira ku musaalaba ku lulwo,

*"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeerre n'obulamu*

*obutaggwaawo. Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi, okusalira ensi omusango; naye ensi erokokere ku ye."* (Yokaana 3:16, 17)

*"Kubanga bwe twali nga tukyali banafu, mu ntuuko ze Kristo yafirira abatatya Katonda…Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira."* (Abaruumi 5:6, 8)

## 4. Bw'omweesiga lwa kukkiriza, akulokola,

*"Kubanga bwe twali nga tukyali banafu, mu ntuuko ze Kristo yafiirira abatatya Katonda… Tekwava mu bikolwa omuntu yenna aleme okwenyumirizanga."* (Abaefeso 2:8, 9)

*"Kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka:"* (Abaruumi 10:9)

## 5. Era Kakaano osobola okumanya nti olina obulamu obutaggwaawo mu Ggulu.

*"Ebyo mbiwandiikidde mmwe, mumanye nga mulina obulamu obutaggwaawo, mmwe abakkiriza erinnya ly'Omwana wa Katonda."* (1 Yokaana 5:13)

*"Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzitegeera era zingoberera. Nange nziwa obulamu obutaggwaawo; so teziribula emirembe n'emirembe, so tewali alizisikula mu mukono gwange. Kitange eyazimpa ye mukulu okusinga bonna, so tewali ayinza okuzisikula mu mukono gwa Kitange."* (Yokaana 10:27-29)

Mukwano ggwange, Yesu Kristo akuyita ojje lero gyaali. Mu 2 Abakkolinso 6:2, Baibuli eyogera nti, ***"…kaakano lwe lunaku olw'obulokozi."*** Katonda atugamba nti k'obeere nga olina by'okola eby'ediini bikutuse mu ggulu ng'okubatizibwa, okwewandiisa okuba omu ku B'ekkanisa, oba ebikolwa ebirungi, nedda; naye akugamba nti Bw'omukkiriza aba Omweesigwa okukulokola. Abaruumi 10:13 atugamba, ***"Kubanga buli, aliyiita erinnya lya Mukama alirokoka."*** Bwoba ng'olina ebibuuzo ebikwaata ku kuzalibwa omulundi ogw'okubiri nga bwekuli mu Baibuli, nkusaba otukyalire ku kkanisa eno wamanga oba wandiika ku:

# MU KWAGGALA OKUNGI TUTUULE!

**FELLOWSHIP TRACT LEAGUE**
P.O. BOX 164 • LEBANON, OH 45036
www.fellowshiptractleague.org © Tract 8500 (Luganda)
All tracts free as the Lord provides. Not to be sold.